**07th October 2018**

# OKUJJA ERI MUKAMA KATONDA MU KUSIIMA EKISA KYE.

**Abaebbulaniya 12:18-29.**

Mu kitundu kyaffe mwe tusomesebwa leero, awamu n'abo abaawandiikibwa ebbaluwa eno, tuweebwa okuluŋŋamizibwa mu kujjukizibwa awamu n'okulabulwa, weewaawo mu ngeri eggyayo ennyo amakulu g'okusomesebwa ekigambo kya Mukama mu kitabo kino oluvannyuma lw'okusomesebwa okuva mu kitabo ky'Okuva. N'atuwa okugerageranya kw'endagaano ebbiri, enkadde ey'etteeka n'empya ey'ekisa.

Tusoma nny.18 – 21…….
Mu kujjukizibwa bwe gwaali mu Kuva 19:10-25 ne mu 20:18-21, nti Mukama bwe yajja eri Isirayiri abasisinkane abawe amateeka mwe baalina okusinziira okutabagana naye, waaliwo embeera y'entiisa empitirivu ennyo eyalina okubasikiriza oggonderanga Mukama Katonda waabwe eyali Kabaka waabwe. Kyokka tukimanyi nti mu nnaku ng'amakumi ana gokka, baali bamenye endagaano yaabwe naye, nga bali mu kusinza bakatonda abalala. Era tujjukira bulungi bwe gwaali mu Kuva essuula 32.
Era ekyeyongera okulabisibwa ne mu Isirayiri mu biro by'Abafalisaayo nti wadde baalina amateeka agasukka mu ebikumi bisatu, tebaayinzanga ggakwaata, okwooleka obunafu bw'endagaano enkadde.

Naye, nga bw'agamba mu nny. 22 – 24……….
Zabbuli 2:6; 110:2, ne 76:1-2 ezigamba nti "Katonda amanyiddwa mu Yuda; erinnya lye kkulu mu Isirayiri. Eweema ye eri mu Yerusaalemi; era abeera mu Sayuuni." Zabbuli 48:1-2, "Mukama mukulu, asaanira okutenderezebwa ennyo mu kibuga kya Katonda waffe, ku lusozi lwe olutukuvu. Sayuuni lwe lusozi lwe olulungi olugulumivu, olusanyusa ensi yonna. Ku ntikko Zafoni kwe kuli ekibuga kya Kabaka Omukulu. ………..N'ebyawandiikibwa ebirala bikiggyayo nti Mukama Katonda yeerobozza olusozi Sayuuni ng'entebe Ye ey'ekitiibwa, ne kitaba ate mu birabwaako obulabi n'amaaso, wabula mu mwoyo

ne musinga amakulu, nga Paulo Omutume bwe yagamba mu Baggalatiya 4:21-31……..
Kino ky'ekibuga bajjajjafe eky'aboogerwaako mu Baebb. 11:14-16……, ng'olunnyiriri 22 bwe lugamba….. 'Yerusaalemi eky'omu ggulu….'.
…..Bamalayika bakuŋŋaanira mu kubeerawo kwa Mukama…
Ekkanisa y'abo abaasooka nga ne Yesu bwe yabakakasa okwenyumiriza mu kuba nti amannya gaabwe gawandiikibbwa mu ggulu, okusinga mu kugoba emizimu..
Lukka 10:20.
N'abo abafiira mu kukkiriza kw'essuubi mu ndagaano enkadde, Yesu n'abatuukiriza n'omusaayi gwe…
Lnny. 24…. Omusaayi gwa Aberi gwaalina eddoboozi mu Lub. 4:10 nga likaabira ku nsi, lisaba kuwolelerwa. Wabula ogwa Yesu guyima mu ggulu, gusaba busaasizi na kisa, kw'okusonyiyibwa kw'ebibi, n'olw'ekyo 'gw'ogwogera obulungi okusinga ogwa Aberi.'

Ky'ava alabula mu lnny. 25……

Lnny 26…Mu Kaggayi 2:6-9 zigamba nti "Bw'atyo bw'ayogera Mukama ow'Eggye nti, 'Mu bbanga eritali ly'ewala ndikankanya eggulu n'ensi, n'ennyanja n'olukalu. Ndikankanya amawanga gonna, n'amawanga gonna ge njagala galijja, ne nzijuza ennyumba eno ekitiibwa,' bw'ayogera Mukama ow'Eggye. Effeeza yange, ne zaabu yange,' bw'ayogera Mukama ow'eggye. Ekitiibwa eky'ennyumba eriwo kaakano, kirisinga ekitiibwa ky'eri eyasooka era mu kifo kino ndizzaawo emirembe,' bw'ayogera Mukama ow'Eggye."

Lnny 27…….
Lnny 28…….
Lnny 29……..